**05th March 2017.**

# OKUKKIRIZA OKUTASAGAASAGANA.

**Danyeri 3:16 – 30.**

Wetwaalekera olugero lwaffe omulundi ogwaggwa kaali kaseera kakakali nga Kabaka Nebu. akudaalidde abavubuka Kananiya, Misayeri, ne Azaliya, abaatuumwa Saddulaaki, Mesaki ne Abeduneego, oba waliyo katonda ayinza okubawonya mu mukono gwe…..

Awo wetweyongererayo mu lnny. 16 nga nabo bamwaanukula,……..[16 -18…]
Teebereza obuvumu bwe baalina mu kuddamu Kabaka bwebatyo, wadde nkiwa baakikola mu buwombeefu, kubanga embeera baali bagitegeera bulungi, baali bazze ku mukolo mu buwulize kyokka we kyaatuuka ku kusalawo kwa katonda ow'okusinza baalina kuyimirira ku nzikiriza y'abwe mu Katonda waabwe gwe tumanyi nti yali abaleetedde n'okukuzibwa kaakano emirundi ebiri.
Kiteeberezebwa nti Danyeri obutabaawo yali mu ngendo entongole weewaawo, mu kkyo Mukama akyoolese nti banne abasatu tebaayimiririranga ku Danyeri wabula baalina emmizzi mu bbo mu kukkiririza mu Mukama Katonda waabwe ku bwaabwe.

Nnyy.19 – 23 zigamba nti…….
Tulaba wano obusungu bwe bubikka okutegeera, nti bw'oba oyagala okubonyaabonya omuntu mu muliro ogwongera bungi oba okukendeeza, n'aggya n'obulumi bungi. Kubanga bwe guba omungi nga bwe tubuuliddwa, ne kumulyango gw'ekikoomi w'okoma okuba omulamu, weewaawo ekyo kiraga busiru obuba mu busungu.

Mu nny.24 – 27, tusoma nti…….
Wano we tulabira eky'amagero ekigerwa emyaka n'ebisibo, ng'abavubuka balokolebwa mu kikoomi ky'omuliro, mu ngeri eyeewuunyisa, kubanga bbo abaabasuulamu bafiira ku mulyango kyokka bbo ne batambuliramu nga kye gukoze kyokka kwe kwookya emiguwa egyaali gibasibye, kyokka bbo nebatawunya wadde lusu lwa muliro.
Mu Isaaya 43:1 – 4 zigamba nti…..

Ssimanyi oba abavubuka bano abasatu baali bamanyi ennyiriri ezo naye ffe tulabira ku bbo nti ddala Mukama mweesigwa nnyo okutuukiriza ebisuubizo bye mu kwaagala kwe gyetuli. Nkiwa nti nga basuulwaamu baalowooza nti eby'abwe bwe bikomye balisoma fayilo, naye ne basisinkanwa oyo agambwa okuba endabika y'omwana wa bakatonda, ekigambwa nti yali Yesu, naye ayinza n'okuba malaika wa Mukama, naye ekikulu nti okueerawo kwa Mukama kwa yolesebwa mu bulokozi bwaabwe okuva mu mukono gwa Nebukadduneeza, naye n'akikakasa, nga bwe tubuulirwa mu nnyiriri eziddako…

Tusome nny.28 -30….

Mukama yeebazibwe..

Nti nga bwe twaakiraba omulundi ogwaggwa nti Mukama Katonda wa bakatonda Ye yekka agwaanidde okusinzibwa, leero tukiraba ne tukiyiga nti okukkiriza okutasagaasagana kwe kumuweesa ekitiibwa n'ettendo ebimugwaanidde.

N'olw'ekyo mu mmumanya nga Mukama Katonda waffe tulina ommukkiririzaamu awatali kw'ekkiriranya (compromise), ne bwe kiba nga kizibu nnyo oba nga kisoomooza nnyo gyetuli, oba tulabwa abangi oba abatono oba nga n'okulabwa tewali atulaba, kubanga ate yye aba atulaba nga yeegattiddwaako eggulu , nga bwe tubuulirwa mu Baebbulaniya 12: 1 -3 nti……..

Mukama atusaasire.